# IGG akutte 2 ku ofiisi ya Minisitule y'ebyettaka e Jinja ku by'enguzi

Bya DONALD KIIRYA

KALIISOLIISO wa Gavumenti akutte abakozi babiri abakolera mu ofiisi ya minisitule y'ebyettaka e Jinja ku bigambibwa nti babadde beenyigira mu kulya enguzi n'okukozesa obubi ofiisi zaabwe.

Omupunta mu minisitule evunaanyizibwa ku by'ettaka, Donald Francis Wangoli n'omuyizi atendekebwa egy'obupunta, Jovan Woniala baakwatiddwa mu kikwekweto ekyakoleddwa ttiimu okuva mu ofiisi ya Kaliisoliiso (IGG) ku ofiisi z'ettaka ezisangibwa ku Plot 68-72 Nile Crescent mu kibuga Jinja.

Okukwatibwa kyaddiridde okwemulugunya okungi okuva mu bantu nti abakozi e Jinja basaba ssente mu bukyamu okusobola okukola ku byapa amangu, okutemaatema ettaka mu ngeri emenya amateeka n'okubeera bakayungirizi okugatta abakolera mu ofiisi ezo ne bakung'aanya enguzi.

Omukungu okuva mu ofiisi ya IGG, Savio Ntensibe, eyakulembeddemu ogw'okukwata Wangoli ne Woniala, yategeezezza nti baafunye amawulire nti waliwo abakungu abafuna enguzi mu ofiisi y'ebyettaka era nti ssente zitambuzibwa mu kasawo aka kiragala akaabadde kakozesebwa okukung'aanyirizaamu enguzi. Mu kikwekweto kino, yabadde wamu ne IGG, Aisha Naluzze Batala.

DONALD KIIRYA



Omuserikale ng'awerekera Omupunta Donald Francis Wangoli (owookubiri ku ddyo mu ssaati enjeru) ne Jovan Woniala (ku kkono) ku mmotoka okutwalibwa ku Poliisi.

Ntensibe yaggye Wangoli mu ofiisi ye, n'amuleeta mu maaso ga IGG Aisha Naluzze Batala okwewozaako era Wangoli yakkirizza nti ensawo eya kiragala yabadde yiye.

Wangoli yategeezezza nti yatumye Woniala okugenda okuggya ensawo mu mmotoka ye agimuleetere mu ofiisi nga yabaddemu ssente eziri wakati wa 600,000/- ne 700,000/-, naye bwe baazibaze, zaasangiddwa nga zisukkiramu ddala.

IGG Naluzze yategeezezza nti obuli bw'enguzi mu ofiisi z'ettaka buli mu ggwanga lyonna era enteekateeka weeri okusisinkana abakulu mu minisitule y'ettaka okulaba nti ofiisi zino zigogolwa era n'abakozi abaawummula bagobwe mu ofiisi n'abo abeerimbika okukola ku nsonga z'ettaka e Jinja bayimirizibwe.